# Ebifa mu BLB

Buganda Land Board

AMAWULIRE AGAKWATA KU BY'ETTAKA OKUVA MU BUGANDA LAND BOARD Vol: 5 Muzigo 2023


# BLB NE FIDA BASSE OMUKAGO



***Ssenkulu Kabogoza Simon ku mukolo gw'okussa emikono ku ndagaano ne FIDA. Muky. Byarugaba Lillian Adriko yakulembeddemu bannamukago***


## BLB mu America: 05





## Okujaguza e Busiro: 07







## Ensisinkano n'ekibiina ekitwala abapunta: 04





## Ababalirizi b'ettaka ku BLB: 02





## Okusomesa abakozi: 02

# BLB erinnyisizza omutindo gw'obuweereza

Abakugu mu kukozesa ebyuma bikalimagezi mu mulimu gw'ettaka batandise okubangula abaweereza b'ekitongole ku ngeri gye basobola okukozesa essimu zaabwe eza seereza okukola emirimu nga tebalinze bakugu.

Kiddiridde ttiimu eyakulembeddwamu Emmanuel Balaba Mugalu ne Masimbi Aziz okuva mu kikono ekiteekateekera ettaka ssaako omupunta Mwesigwa Dan okutandika okubangula abaweereza mu matabi ku ngeri gye bayinza okukozesaamu essimu zaabwe okutuukiriza emirimu naddala nga basinziira gye bakolera mu byalo mu kifo ky'okulinda abakugu okubibakolera.

Baatandikidde ku ttabi ly'e Kyaggwe e Mukono era baategeezezza nga bwe bagenda okutalaaga amatabi gonna okusiga kaweefube ono aluubirira okusitula omutindo.

Bano baagambye abatendeke bajja kusobola okukozesa essimu zaabwe okupima obwagaagavu bw'ettaka era bazuule oba lya Bwakabaka oba liri mu lutobazi era bazuule oba ettaka lye bakolako n'eririraanyeewo lyapuntibwa, olwo amawulire gasindikibwe ku fayiro ze baba bakolako n'amalala bagaweereze mu system ya GIS emirimu gitambule awatali kulwa.

Obukodyo obumu baabuyigidde wabweru awatali kisiikirize okuzuula amawulire gonna omuweereza gw'anoonya ku kibanja kasita agoberera obulungi ebimusomeseddwa, ebibuuzo byonna byanukulwa ng'akozesa essimu. Abaweereza bonna okuli ne TM baasomeseddwa.

Bwe baavudde e Kyaggwe bazze ku ttabi ly'e Njeru n'abaayo ne babangulwa ku nkozesa y'omutimbagano nga bwe gwabadde e Mukono. N'e Nansana bwe gwabadde nga ttiimu yeemu ekola ogwokubabangula era Maneja Kimogofu n'ategeeza nga kino bwe kigenda okubanguyiza omulimu.

Ab'ettabi lya Kibuga nabo tebaasuuliddwa muguluka, baabakubyemu omusomo ne gubannyikira, nga kati basobola okukola ensonga z'ettaka nga basinziira ku bibanja bye bakolako.


Balaba ng'abangula ab'ettabi ly'e Nansana


Omupunta Mwesigwa ng'alaga ab'ettabi ly'e Kyaggwe enkozesa y'omutimbagano

# Ababalirizi b'ettaka bakyalidde BLB

Ababalirizi b'ettaka okuva mu Minisitule y'Ebyettaka nga bakulembeddwamu Muky. Atukunda Dorothy baasisinkanye ttiimu ya BLB eyakulembeddwamu Ssenkulu Simon Kabogoza okukubaganya ebirowoozo ku ngeri gye banaakwatagana n'ekitongole mu pulojekiti egenderedwamu okutondawo alijesita y'okutunda ebibanja, okumanya ebibanja ku kyalo, maapu y'ekyalo ssaako awaterekebwa ebikwata ku miwendo gy'ettaka.

Ttiimu y'abagenyi abawera bataano okwabadde ne Namuddu Cissy Kiyaga owa BLB baagenyiwalako mu Denmark okubaako bye bayigayo ku nzirukanya y'ettaka, gye baavumbulira pulaani okukola pulojekiti eno mu Uganda. Pulojekiti eno esuubirwa kutandikira mu bitundu by'e Mubende e Kasambya wakati wa Muzigo ne Mukulukusabitungotungo w'omwaka guno nga tennaba kubunyisibwa mu bitundu birala.

Omuk. Kabogoza yayanirizza pulojekiti eno n'asuubiza obuyambi naddala obwokukunga abantu ba Kabaka.


Muky. Atukunda ng'akwasa Ssenkulu Kabogoza ebiwandiiko ebinnyonnyola ekiruubirirwa kyabwe

# BLB esse omukago ne FIDA


Ssenkulu Kabogoza ng'awaanyisiganya endagaano ne Muky. Byarugaba


Ofiisa wa FIDA ng'assa omukono ku biwandiiko


Muky. Lillian Byarugaba Adriko


Kanso Ssenyomo naye yataddeko omukono ku ndagaano


Abakulu b'enjuyi zombi ne bannamateeka baabwe


Abakungu ba FIDA wakati mu lukiiko


Omuk. Kizito Bashir Juma n'akulembera abasomesa Namaganda Olivia Cox tebaalutumidde mwana

Buganda Land Board mu kaweefube waayo ow'okukola emikago n'ebitongole ebituuka mu bantu, yasse omukago n'ekitongole kya FIDA ekigatta abakyala bannamateeka bagwesigameko okutwala kaweefube w'okulwanirira omuntu wa bulijjo omusenze ku ttaka ly'Obwakabaka anyigirizibwa olwobutamanya obuliwo ku bikwata ku ttaka n'eddembe lyabwe emirundi mingi omuvudde obukuubagano.

Omukolo guno ogwokussa emikono ku biwandiiko by'omukago gwabadde ku Masengere, nga gwetabiddwako abaweereza mu biti ebyenjawulo. Ssenkulu wa BLB, Omuk. Simon Kabogoza ye yataddeko omukono ku lw'ekitongole ate Muky. Lillian Byarugaba Adriko n'assaako ku lwa FIDA.

Omukago gwazze oluvannyuma lw'ensisinkano eyakulemberwamu abasomesa era abakunzi ba BLB.

Ssenkulu Kabogoza yasinzidde ku mukolo guno n'akkaatiriza nti enjuyi zombi zigenda kwesigama ku mukago okwongera okubangula abantu ku bikwata ku nkola ku ttaka, nga kino kizingiramu okubasomesa ebikwata ku buvunaanyizibwa bwe balina okutuukiriza okulinywererako.

Ssenkulu yayongeddeko nti kino kyakukendeeza ku bukuubagano obuliwo ne bannannyini ttaka nga busibuka ku butamanya obuliwo mu mateeka n'enkola entuufu ku ttaka.

Yagambye nti FIDA yaakuyambako okussaamu ensimbi olwo BLB etegeke emisomo wonna mu masaza g'Obwakabaka kiyambe abasenze okunyweza n'okutereeza obusenze bwabwe.

Amyuka Ssenkulu, Omuk. Kizito Bashir Juma yalombozze BLB by'esobodde okutuukako nga yeesigama ku nkolagana eriwo ne FIDA n'ategeeza nti baakolaganira wamu naddala mu kuwagira kaweefube eyavaamu okukyusa mu tteeka ly'obusika, okulwanirira eddembe ly'abakyala nabo okufuuka bannannyini ttaka, okukendeeza obutabanguko mu maka obusibuka ku ndooliito ku ttaka n'ebirala.

Omuk. Kizito yagambye nti wakati ng'omukago gutandika, bagenda kussa essira ku masaza nga Bulemeezi ne Buluuli okubunya emisomo n'oluvannyuma batalaage Obuganda bwonna.

Lyabadde teriri busa ebitongole byombi ne bikwatagana mu lusiisira lw'ebyamateeka olwategekeddwa ku Nakivubo Blue Primary School. Wano abatuuze baasomeseddwa obuvunaanyizibwa bwabwe ku ttaka n'ebyobugagga ebirala naddala mu maka era ng'abalina ebizibu ebyetaaga obuyambi mu mateeka baakoleddwako.


Olukiiko nga lugenda mu maaso


Ekifaananyi ekyawamu oluvannyuma lw'okussa emikono ku ndagaano

# Ekitongole ky'abapunta kisiimye BLB



Mw. Wafula Robert ne banne mu lukiiko ku Masengere



Okuva ku kkono, Omuk. Kizito, Hajat Nanvuma ne Mw. Mujabi mu nsisinkano n'aba ISU

Ekibiina ekigatta abapunta mu ggwanga ki ISU kisiimye BLB olwobuvujjirizi n'enkolagana ey'obwasserugan-da gye balina nabo. Bano baleetedde BLB satifikeeti y'okugisiima olwebyo by'ebakoledde mu kutumbula emirimu gyabwe.

Mu ngeri yeemu abakungu ba ISU beesitudde bukkolokkolo nga bakulembeddwamu amyuka pulezidenti waabwe, Mw. Wafula Robert ne bakyalirako BLB n'ekigendererwa ekyokugyebaza mu butongole okubawagira.

Yagambye nti BLB kye kimu ku bitongole ebisasula amangu omutemwa gw'abapunta baayo. Yasiimye olukiiko olufuzi olwobukugu bwa ttiimu yaayo okuli n'abapunta ssaako ababalirizi b'ettaka.

Yasuubizza okutwala mu maaso enkolagana eno ssaako okukakasa ng'abapunta ba BLB bonna abalina obwammemba mu ISU obusukka emyaka ebiri batendekebwa okutuuka ku bisaanyizo ebibafuula abapunta abakakafu.

Ssenkulu Kabogoza ye yabaanirizza n'aggumiza nti BLB yaakugenda mu maaso n'okukwatagana nabo mu ngeri ez'enjawulo okuli obwammemba bw'abapunta, okukungira awamu okusomesa n'ebirala.



Abapunta ba BLB (ku kkono) nabo baalwetabyemu



Olukiiko nga lugenda mu maaso

# Manager Nakirigya asisinkanye Katikkiro



Katikkiro Mayiga n'abaweereza b'e Mukono

Atwala ebbendobendo ly'e Kyaggwe, Unia Naome Nakirigya yeegattiddwako omuweereza Kaddu Richard ne batuuka mu ofiisi ya Katikkiro Charles Peter Mayiga okubaako by'amanya naddala ebikolebwa n'ebigenda mu maaso ku ttaka ly'ekkanisa y'e Nakanyonyi.

Bano Katikkiro yabayita oluvannyuma lw'okufuna okwemulugunya okuva mu batwala ekkanisa e Mukono nti tebakola bulungi mirimu gyabwe, wabula bwe baamunnyonnyodde emberebezi n'emivuyo gyonna we biva e Nakanyonyi n'akisanga ng'omukono gw'abaweereza bano teguliimu okuggyako Abaami ba Kabaka abali mu bitundu ebyo era Katikkiro n'asuubiza okulaba Minisita wa Gavumenti ez'Ebitundu abatwala okulaba ng'ensonga eyo etereezebwa.

# Kibuga ebigambo ebitumazeeko



Kanso Bugaya ng'alambika Bamaneja ku bubaka bwa Ssaabawolereza w'Obwakabaka



TM Nanyonga ne Maneja Nsubuga ng'Omukungu Kizito abakwasa ekikopo n'ebbaasa

Ettabi lya Kibuga libitumazeeko bwe liraze nga n'omwezi gwa Kafuumuulampawu liremedde waggulu w'okuwenja obuuma bw'ekitongole era nga kati amatabi gonna galirengerera muli, nga bwe ziba mbiro amatabi amalala galengera nkoona.

Bano baawangulidde ku bitundu 87% nga bwe byayanjuddwa OPM Namukasa Ruth era ne bakwasibwa ekikopo n'ebbaasa enzito ezaaweereddwa n'abaweereza ssekinnoomu abaasukkulumye ku bannaabwe okuva mu matabi ag'enjawulo.

Wabula Namukasa yategeezezza nti wadde Kibuga baawangudde, baabadde baserebyemu mu nnyingiza bw'ogeraageranya ne bwe baali bakoze mu mwezi gwa Mugulansigo, n'abasaba okufunvubira mu mwezi ogunaddako.

Ab'ettabi ly'e Ndejje be baakutte ekyokubiri n'ebitundu 68% ne baddirirwa Mityana mu kyokusatu, Luweero n'egoberera ne kuddako Kyaggwe, Njeru, Nansana, Buddu ne Mpigi n'atuuka.

Aba Kibuga ekikopo kyabakwasiddwa akulira entambuza y'emirimu mu matabi so nga era y'amyuka Ssenkulu, Omuk. Kizito Bashir Juma ku mukolo ogwabadde mu kisenge omuteesezebwa ku Masengere. Omuk. Kizito yasiimye Kibuga olwobuwanguzi obwomuddiringanwa n'ategeeza nti enkola eya tajeti egenda kukyukamu efuulibwe 'Projected Income', ng'akwatibwako asobola okuteebereza obungi bw'ensimbi z'alina okukungaanya omwezi.

Omukungu yategeezezza nti mu myezi mukaaga olukiiko olufuzi lwakwekebejja abamu ku baweereza abapya abasukkulumu badde mu bifo by'abo abatakola bulungi mu matabi n'awalala.

Yakubirizza bamaneja balondoole abatuuze abanene mu bitundu byabwe bakakase nti batuukiriza emisoso gya BLB kubanga abamu bagayaala lwa butalondoolwa.

Ate Kanso Bugaya Denis yabanjulidde obubaka okuva ewa Ssaabawolereza w'Obwakabaka, Owek. Chris Bwanika bwe yabalambise ku nkola eri abo abaafuna ebyapa ku ttaka nga terinnadda Mengo n'abo abaalifunako ebyapa mu nkola ya liizi. Ono era yabalambise ku mbaga y'ebiwandiiko bye basindika mu makampuni oba ebitongole ebinene n'abagamba nti bakolaganenga ne bannamateeka nga tebannabisindika bibeere ku mulamwa.

Abamu ku baweereza abaakize bannaabwe kwe kwabadde Buliggwanga ow'e Njeru Kanso Bugaya gwe yakwanze ebbaasa kirimuttu ate n'amusuubiza n'okumuyambako mu ntambula ey'okumuzzaayo e Bukunja.

Ssennyonjo ow'e Mityana naye yakwangiddwa ebbaasa enzito, Lutalo Kasakya ow'e Ndejje naye baagimukwanze, Nakayiza Sarah nga bulijjo, Nansimbi Regina n'abalala.

# BLB yeetabye mu lukuŋŋaana lwa Buganda Bumu



Nakimbugwe ku mmeeza ya BLB okukola ku balina bye byetaaga okumanya ku bibanja byabwe



Ssenkulu Simon Kabogoza wakati mu lukiiko nga lukwajja

Tttiimu ya BLB nga yakulembeddwamu Ssenkulu, Omuk. Kabogoza Simon yeegasse ku Katikkiro ne bagenda okusisinkana abantu ba Kabaka abawangaalira mu America, mu luku ŋŋ aana olubagatta olwa Buganda Bumu North American Convention. Ttiimu yatuuse bulungi ddala mu kibuga Seattle-Washington era ng'omulimu ku mmeeza ya BLB gwatandikiddewo okukwajja. Olukungaana luno lwagguddwawo Katikkiro Charles Peter Mayiga Beene gwe yasiimye yeetikke obubaka bw'abantu be. Omuk. Simon Kabogoza era yeegasse ku ttiimu y'Obwakabaka eyakyaliddeko Gavana w'ekibuga Olympia mu Washington, nga baakulembeddwamu Katikkiro Mayiga n'omulamwa ogwokuzimba omukago wakati w'Obwakabaka n'ekibuga kino.

# Obubaka bwa Ssenkulu ku lunaku lw'Abakozi

Ssenkulu wa Buganda Land Board, Omuk. Kabogoza Simon aliko entanda gye yasibiridde abaweereza b'ekitongole ku lunaku lw'abakozi olukuzibwa mu nsi yonna, nga luno lukwatibwa buli ennaku z'omwezi 1 omwezi ogwa Muzigo buli mwaka. Ssenkulu yakubirizza abakozi okwekubamu emmunyeenyeso buli omu alabe by'akoze obulungi by'aba atwala mu maaso, so ng'ebikyagaanye yabawadde ga buwa bakwatagane n'abakwatibwako babitereeze. "Tunula olabe ebyo by'okoze obulungi obitwale mu maaso, ebyo ebitatambudde bulungi kwatagana n'abakwatibwako mutereeze wabeerewo okugenda mu maaso," Ssenkulu y'entanda gye yasibiridde abakozi.

Omuk. Kabogoza yasabye buli muweereza okwefumiitiriza ku buvunaanyizibwa bwe ku mulimu gwe era atunuulire n'emirimu gye gy'akola wabweru wa BLB, bw'atyo n'abaagaliza olunaku lw'abakozi olulungi.



Kaziro ku kitanda mu ddwaliro e Nakasero ne Kigozi ng'amubuuzaako

# HR Jude Kigozi alambudde ku Kaziro

Ofiisa Jude William Kigozi okuva mu ofiisi ekola ku nsonga z'abakozi mu kitongole yawuubyeko olubu lw'ebigere mu ddwaliro e Nakasero okulambula ku muweereza Kaziro Dennison ow'ettabi ly'e Mityana eyafuna akabenje gye buvuddeko, emmotoka bwe yamusena n'emuwalula ng'ali ku mirimu gye mu kibuga Mityana n'afuna obuvune obwamaanyi obwamuviirako n'amagumba okutaataagana.

We yatuukidde ku mulwadde yamusanze alinze kadde ka kumutwala mu sweta alongoosebwe mu bitundu ebyasinga okukosebwa okuli ekiwato n'amagulu.

Kigozi yamuwadde amawulire amalungi ng'olukiiko olufuzi bwe lwasazeewo okumusasulira ebisale by'eddwaliro byonna ng'otaddeko n'ebye Ntebbe gye yasooka okutwalibwa nga tannasindikibwa Nakasero.

# Okuteekateeka abaleeta amakula



Wasswa mu kifaananyi ekyawamu n'Abaami ba Kabaka ab'e Kansekka Mut. VII


Wasswa Bukenya owa ofiisi ya KWBK yasisinkanye Abaami ba Kabaka aba Mut. VII Kanseka Baamunaanika n'abalambika ku nsonga y'okusolooza amakula mu bantu ba Kabaka era bano yagenze okubasiibula nga balagaanyizza okuganjula nga 14 Ssebaaseka w'omwaka guno mu lubiri e Mengo.

N'aba Mut. V Nyenga yabasisinkanye mu keetereekerero k'okuwanjula amakula nga 31 Muzigo mu lubiri e Mengo.

Ab'eggombolola y'e Kapeeka nabo yabalabye nga yeegattiddwako Maneja Ssembatya ow'ettabi ly'e Luweero, bo baakuganjula nga 7 Ssebaaseka.

# Mut. V Wabusaana banjudde amakula

Abantu ba Kabaka okuva mu ggombolola ya Mut. V Wabusaana mu Bulemeezi bayanjudde amakula g'embuga mu lubiri e Mengo. Bano baaleese ente, embuzi, enkoko, amata, emmere n'ebirala era nga gaabatikkuddwa Minisita w'Ettaka n'Obutonde bw'ensi, Owek. Hajat Mariam Nkalubo Nassejje Mayanja eyabasiimye olwokutona ebirabo ebyenkanidde awo n'abasaba bagende mu maaso n'omutima gwa Buganda ogutafa.



Ebimu ku birabo ebyayanjuddwa mu lubiri e Mengo okuva e Wabusaana

# Katikkiro atemye evvuunike ly'eddwaliro



**Okuva ku kkono, Lukoma D, Muky. Rebecca Bukenya Magezi, Mw. Ssebaggala Henry ne TM Kabonge ku mukolo gw'okutema evvuunike e Busimbi - Mityana**

Katikkiro Charles Peter Mayiga mu kaweefube gw'aliko ow'okutumbula ebyobulamu mu Bwakabaka bwa Buganda, yatemye evvuunike ly'okuzimba eddwaliro erigenda okudduukirira abantu ka Kabaka ku by'obujjanjabi mu ssaza ly'e Ssingo, ng'ettaka lyaweereddwayo Buganda Land Board ku kibangiriza ekiri ku ggombolola y'e Busimbi mu kibuga Mityana.

Abaweereza ba BLB nga baakulembeddwamu akulira ensonga z'abakozi, Muky. Rebecca Bukenya Magezi baabaddeyo ku mukolo guno ogwokutema evvuunike.

# Katongole alambudde ettaka e Buweekula

Ali mu mitambo gy'ekittavvu ky'ettaka ly'ekitongole, Katongole Edris yalambudde ettaka ly'e Kaweeri mu ggombolola y'e Bagezza mu ssaza ly'e Buweekula, okwetegereza ettaka aba Kaweeri Health Centre II we baasaba yiika emu bazimbeko eddwaliro eriri ku mutendera gwa Health Centre III basobole okulinnyisa omutindo.

Ettaka lino yalirambudde n'omuweereza Hakim Ssentongo okuva mu kitongole ky'ebyobulamu mu kibuga Mubende n'amukubiriza akolagane n'Omutongole mu kitundu ekyo okuggusa ensonga eno.

Katongole eyeegattiddwako n'omuweereza Walukagga owa ofiisi ya BLB e Mubende yagenze mu maaso n'okulambula ettaka ab'eddwaliro lya Lwemikomago Health Centre III we baagala okufuna liizi bazimbe ebisulo by'abasawo.

# BLB yeetabye mu mikolo gya Bannabusiro

Buganda Land Board yeetabye mu mikolo essaza Busiro kwe lyajagulizza obuwanguzi bwe lituuseeko mu bintu ebyenjawulo naddala okuwangula emipiira gy'amasaza sizoni ewedde. Ebikujjuko bino byategekeddwa Ssebwana, Omwami wa Kabaka atwala essaza Busiro wali ku mbuga yaalyo e Ssenetema.

BLB yayolesezza by'ekola era n'omugenyi omukulu ku mukolo guno, Katikkiro Charles Peter Mayiga yatuuseeko ku mudaala gwayo nga yayaniriziddwa Maneja w'e Nansana, Kimogofu Yosia era n'assa omukono mu kitabo ky'abagenyi.



**Katikkiro Mayiga ng'assa omukono mu kitabo ky'abagenyi ekya BLB**

# UBOS etendese ab'ebibalo

Ekitongole kya UBOS kitegese omusomo mwe kitendekedde abantu ab'enjawulo ku nteekateeka y'okuku□□aanya data. BLB ekiikiriddwa omuweereza Emmanuel Mugala Balaba mu kutendekebwa okwennaku ebbiri ng'abaweereza mu bitongole ebyenjawulo babangulwa mu nteekateeka y'okufuna obukugu mu bibalo n'okuku□□aanya ebiva mu bibalo ebyo. Omusomo guyindidde ku Buganda Royal Institute.



**Balaba Emma (asooka ku kkono) mu kutendekebwa**

# Kireewa asisinkanye aba Ssaabagabo Kibibi



*Ekifaananyi ekyawamu*

Maneja Kireewa Maato akulira ettabi ly'e Mpigi yasisinkanye Abaami ba Kabaka aba Ssaabagabo Kibibi n'abalambika ssaako okubabangula kun kola za BLB naddala ku bikwata ku nsasula ya busuulu empya, enkola egobererwa okusasula ekkanzu ya nannyini ttaka, okunyweza n'okutereeza obusenze ssaako ensonga endala eziwerako, ng'aluubirira okulaba nti atambulira wamu nabo mu kuwenja ensimbi okuva mu bantu ba Kabaka mu bitundu byabwe. Bano baasuubizza okukolagana ne Maneja Kireewa okutuusa obuweereza ku bantu mu bwesimbu.

# Ab'ettabi ly'e Ndejje basoloozezza busuulu



*Ekifaananyi ekyawamu*

Kaweefube w'omuweereza Lutalo Lawrence Kasakya ow'ettabi lya Ndejje okunoonya ensimbi mu basenze b'e Kitala atandise okuvaamu ebibala, abatuuze bwe baayitiddwa okusasula busuulu mu nteekateeka eyakoleddwa nga bali wamu n'Omutongole w'ekitundu ekyo nga bwe bazze babalaalika mu nsisinkano ezibaddewo.

# Ssejjengo abangudde abaweereza abapya



*Ekifaananyi ekyawamu*

TM w'ettabi ly'e Ndejje, Baker Ssejjengo yabangudde abaweereza abapya abaamuweereddwa mu bukodyo bw'okuwenja ensimbi, okuzuula n'okutomera bakiwagi naddala abazimba ku ttaka ly'Obwakabaka mu kimpatiira.

Ssejjengo yasoose kubalukira kyeso kya kaweefube gwe baabadde bagendako baleme kulowooza nti bya mannyowenu. Yabakuutidde nti singa basanga bakiwagi abazimba, balina okubayimiriza ne babategeeza kye balina okukola.

Yabasabye okukungaanya amawulire agakwata ku mulimu gwe baba bagenzeeko bagawandiike kibayambeko okugeesigamako okulondoola ensonga.



# Hajat asisinkanye ab'ekiwayi kye

Hajat Rehema Nanvuma akulira ekiwayi ekiteekateekera ettaka asisinkanye abaweereza b'ekiwayi kino okulondoola ebyemirimu bwe bitambula na miziziko ki egiriwo bisobole okusalirwa amagezi.

# Mukuume obudde obwokukola duyiro - Omuk. Kizito



*Abazannyi ba BLB tebatembeka olwokukola duyiro*

Omumyuka wa Ssenkulu, Omuk. Kizito Bashir Juma akubirizza abaweereza b'ekitongole okufuba okulaba nga bakuuma obudde bw'okukola duyiro nga bwe bwalagibwa mu nteekateeka y'ekitongole. Okukkaatiriza ensonga eno kiddiridde omuwendo gw'abakozi abajjumbira duyiro okusereba so nga n'aba ba bazze batuuka ssaawa ze baagala.

Ekitongole kyassaawo essaawa okuva ku 9:30 okutuuka ku 11 ez'olweggulo nga za duyiro, nga n'olwekyo tewali nsonga ndala oli gy'ayinza kuwa obuteetaba mu kukola duyiro kubanga emirimu emirala giba giyimiriziddwa ng'okusalawo kwa Bboodi bwe kwalambika.

Okukola dduyiro kwalinnya enkandaggo abataamukola bwe baaweebwa ekibonerezo ky'okumukola mu nnaku ezaddirira wabula nga baalina kukola luvannyuma lwa kunnyuka kubanga kyali tekyetaagisa kwonoona biseera byakukola ku bantu bataasobola kukuuma budde.

Omuk. Kizito yategeeza nti kati bwe ziwera 9:45 nga tonnatuuka ku kisaawe olina kwebala ng'atazze era ng'olindiridde kibonerezo kubanga ekiseera ekyo kisasulirwa, nga kirina okussibwamu ekitiibwa.

Obutakola duyiro yategeeza nti olina okubeera nga wafunye olukusa okuva eri ofiisi ekola ku nsonga z'abakozi, nga waliwo ensonga ey'essimba etakusobozesezza kukola mizannyo egyo.

Omuk. Kizito era yeewaayo okutunuulira buli omu ky'akola okuli n'abo ababeera ku kisaawe okuyisa ebivvulu nga mpaawo kye bakola era abawandiika abeetabye mu duyiro baakusomanga abawandiikiddwa bakakase nga weebali.

# Ab'Engabi mu BLB basekeredde ab'Enkima



*Ssaabasajja Kabaka ng'alamusa ku bazannyi*

Abaweereza ba BLB abeddira Engabi bakinye ku bazzukulu ba Mugema ab'Enkima oluvannyuma lwa Ssaabasajja Kabaka okusiima n'alabikako eri Obuganda mu kuggulawo empaka z'ebika by'Abaganda ez'omupiira ogwebigere n'okubaka mu kisaawe e Wankulukuku.

Ekkondeere evvannyuma lyagenze okukommontebwa ng'Engabi ebala 3 so ng'Enkima yeegaganudde n'eteebayo eggoolo emu wakati mu nasiisi w'omuntu eyeeyiye mu kisaawe okubugiriza Empologoma. Bakira buli wa Nkima olulengera ow'Engabi mu lukuubo ng'afuna we yeewogoma, kumpi kubulwa we banywera tuzzi. Wabula byakyuseemu ne kibula omukombi mu gw'okubaka, Enkima bwe yateebye Engabi obugoba 60 ku 30.

Empologoma yayaniriziddwa Katikkiro Charles Peter Mayiga n'Abeekitiibwa abalala bangi era Beene yawandiise ku mupiira ng'atongoza empaka zino, nga gwamukwasiddwa Minisita w'Ebyemizannyo n'Okwewummuza, Owek. Ssekabembe Kiberu.

Beene yalamusizza ku Bataka Abakulu b'Ebika abaabaddewo ng'omupiira tegunnatandika. Era yalamusizza ne ku bazannyi abaabadde bagenda mu nsiike.

# BLB yeeriisizza nkuuli mu lawundi 4



*BLB mu keetereekerero k'emizannyo ku Old Kampala*

Emizannyo gy'ebitongole gikyayinda era nga mu lawundi eyookuna eyazannyiddwa, BLB yafuntudde buli ttiimu eyagisaze mu maaso mu mupiira gw'ebigere so nga n'aba Volley ball kye baakoze URA enkoko ekikola baana baayo, anti baagikubye emirundi ebiri.

BLB yatandikidde ku kitongole ky'amazzi ne kazambi - NWSC n'egikuba 3 nga tekutteeyo, wuuyo ku UBOS gye yawunzise ekkene so nga ne ku KCB yagiwuubye ekkene.

Aba bbaatule - Chloride Oxide baakubiddwa 2-1.

# Babbulooka basenze Mayembegambogo

Bakayungirizi b'ettaka mu kitundu ky'e Mpigi abategeerekese nga God's Will Property Consultants bagudde ekiyiifuyiifu ku ttaka ly'Obwakabaka erisangibwa e Mayembegambogo ne balisenda, olwo ne basala ebibanja batere babikube ebbeeyi kyokka nga waliwo abasenze abalinako ebiwandiiko.

Omu ku baakoseddwa embeera eno, David Mukumbi alumiriza nti abantu bano batambula n'Omwami wa Kabaka ow'eggombolola ssaako abaserikale ba poliisi. Abamu ku be baguza ebibanja bino batandise n'okuzimba ssaako okuyiwa ebikozesebwa.

Ekikwekweto kino kyakoleddwa Mukasa Casmir, nga kyaddiridde abamu ku baabadde n'ebibanja mu kitundu kino okugenda ku ofiisi okwemulugunyiza aba God's Will okuyingirira ebibanja byabwe ku Mayembegambogo.

Oluvannyuma Casmir yatuuseeko ewali ekkakkalabizo lyabwe ku bikondo babeeko bye bamunnyonnyola.

Yabasabye okukungaanya amawulire agakwata ku mulimu gwe baba bagenzeeko bagawandiike kibayambeko okugeesigamako okulondoola ensonga.



Casmir Mukasa nga yeetegereza ebiwandiiko bya Mukumbi ku Mayembegambogo



Abamu ku basenze abaasendeddwa ebibanja byabwe

# KWBK ne Kaliisoliiso batalaaze Baamunaanika



Omuk. Luutu ng'aliko ebibuuzo by'asoya Omutongole Namuyomba



Kaliisoliiso Mukasa n'Omuk. Luutu nga boogerako ne Mw. Ntambi

KWBK Moses Luutu wamu ne Kaliisoliiso Mukasa Casmir baatalaaze eggombolola y'e Baamunaanika mu Bulemeezi nga balondoola endooliito z'ettaka ezigambibwa okusimba amakanda mu muluka gw'e Kyampisi n'ebitundu ebiriraanyeewo.

Baalambudde ettaka erigambibwa nti lyali lisengeddwako aba Red Cross e Kyampisi kyokka ne wabaawo abakuluppya abaalyefunza nga baagala okulitunda n'okulyegabanya. Ttiimu eriko Abaami ba Kabaka ne babbulooka bagisisnkanye okubabuuza ku nsonga zino okubaako bye bazuula.

Waliwo n'amayumba agaasangiddwa ku ttaka erigambibwa nti lya kitawuluzi e Kyampisi kyokka nga lityoboddwa.

Bano baliko bye baabuuzizza Omutongole Rehema Namuyomba kyokka byonna n'abyebalama kyokka omu ku babbulooka n'amulumiriza nti y'amukolera ku nsonga z'ettaka mu kitundu ekyo.

Era baliko omwami Kasule Jonathan gwe baasisinkanye agambibwa okubaako ne ky'amanyi ku kusala ebibanja mu ttaka lya Red Cross era naye n'abaako by'abannyonnyola.

Oluvannyuma baasisinkanye Oweggombolola, Buliggwanga Ntambi ne bamubuuza ebikwata ku nneeyisa y'Abaami be ku by'okutyoboola ettaka ly'Obwakabaka mu kitundu ekyo.

# Kaliisoliiso e Kitenga

Kaliisoliiso Mukasa wamu ne Maneja Kitooke ow'e Mityana baabaddeko e Kitenga ku ggombolola okulondoola aba Agalyawamu Cooperative Society abaasaba ekyapa ku ttaka ly'eggombolola basobole okuzimbako ekyuma ky'emmwanyi. Baayogedde ku nsonga eziwerako ku by'okunyweza obusenze buno.



Maneja Kitooke ne Mukasa Casmir nga basisinkanye nannyini kyuma e Kitenga ku ggombolola

# Essiga lya Mulamago

Kaliisoliiso Mukasa wamu ne Maneja Ssembatya ow'ettabi ly'e Luweero baalondodde okwemulugunya kw'Abessiga lya Mulamago e Bulamago mu ssaza ly'e Buluuli oluvannyuma lwa bakyesenza okuliwangamako. Baatuuzizza olukiiko ne babalombojjera akawonvu n'akagga ku nsonga eno. N'oluvannyuma baabalambuzza embuga y'Owessiga Mulamago empya kwe basimbye emituba 10.



Ab'essiga lya Mulamago e Bulamago mu Buluuli nga balaga aba BLB we bazimba embuga empya



Omwami ng'alaga Mukasa Casmir ettaka bwe lityoboddwa

# Kaliisoliiso e Kaseenene

Kaliisoliiso Mukasa Casmir yawuniikiridde bwe yatuuse ku mbuga y'Omutongole Kaseenene mu ggombolola y'e Baamunaanika mu Bulemeezi n'asanga ng'esaliddwasaliddwa ebibanja era nga be baabiguza bali mu nteekateeka eyiwa ebikozesebwa okuzimba so nga n'akawugiro akaali kasigaddewo bakakecudde ne basimba empaanyi. Abaliraanyeewo balumiriza Omutongole wa Kabaka okubeera nga bino abimanyiiko.

Abandi baazimba obuyumba ne kaabuyonjo mu ngeri y'okwekwata n'okukuuma bye bayita ebifo byabwe. Abalala bassaamu n'amayinja g'obupunta.

Casmir era yatuuseeko ne ku ttaka lya PIDA mu Bbuto nalyo Omutongole n'amutegeeza nti liri mu lusuubo, ng'akeetalo ako kigambibwa nti kalimu n'Abaami ba Kabaka.



Maneja Nsubuga ne Mukasa Casmir e Kira ku ggombolola

# Kaliisoliiso e Kira

Mukasa Casmir nga yeegattiddwako Maneja Nsubuga Wilber ow'ettabi lya Kibuga baatuuseeko ku mbuga y'eggombolola y'e Kira okulondoola ebigenda mu maaso.

# Okusomesa abantu ba Kabaka



Abatuuze b'e Kitala bajjumbira omusomo



Omusomesa Gambobbi ng'asomesa abatuuze b'e Kitala



Gambobbi mu musomo gw'ebyettaka ng'omwogezi wa Minisitule y'Ebyettaka, Obbo asomesa e Mukono



Abatuuze b'e Naluwondwa mu musomo




Nansubuga ku mpewo za Tropical FM e Mubende



Gambobbi ng'asomesa ab'e Mijunwa - Buweekula



Gambobbi ng'asomesa abatuuze b'e Kitongo - Kassanda



Sarah Nansubuga ng'asomesa ab'e Kiteregga-Madudu



NV Thursday, May 11, 2023 COMMENT&LETTERS

## Don't buy a kibanja as if it is a mobile phone

JOSEPH KIMBOWA

OR: It is quite intriguing Ugandans prefer simplistic actions. It is uncommon for one to buy a mobile phone, sion set or a computer without g for its receipt. y even use the lack of a receipt y cheaply, calling it a product got deal'! Some take it a notch higher uy cars without requesting for its ok and drive it for years without the necessary transfers. simplistic, but careless lifestyle en crept into land transactions, ally in Buganda region where as multiple interests. le Ugandan land laws clearly te that a kibanja holder must form and seek consent of the vner before transferring their a interest to another, almost sactions on bibanja are done t involving the landowners. t usually happens is that people entify a buyer, go to the area airperson, draft and sign agreements; and that is it!

This is not only against the law, it is also unfair to the landowner who is entitled to annual nominal ground rent.

It is also risky to the purchaser as they stand to lose not just their money but the kibanja too. It is no wonder that sometimes landowners do the same by selling huge chunks of land occupied by bona fide occupants without their knowledge. We have created a man-eat-man society in the end!

Section 34 (1) of the Land Act clearly provides that a tenant by occupancy (kibanja holder) must first get the approval of the landowner before transacting on the said land. It notes thus: "A tenant by occupancy may, in accordance with the provisions of this section, assign, sublet or sub-divide the tenancy with the consent of the landowner."

Resultantly, we live in a chaotic society characterised by land wrangles, evictions, threats and even murders. Speculators and politicians have thus used this state of affairs to disenfranchise the poor and propose repressive land laws respectively.

But not all is doom. Buganda Land Board, for example, has shown us that we can all live in harmony, if we appreciated each other through a proper land management system.

For 30 years, Buganda Land Board has created an organised land management structure that has included massive registration and survey of tenants on Kabaka's land. This created the first-ever kibanja holders' database in Uganda, which is even being benchmarked by the Government and other countries.

This has significantly erased land wrangles on kingdom land because the landowner and tenants are in sync and understand their obligations.

All people registered with Buganda Land Board receive a certificate of occupancy, similar to the one dispensed by the Government to people on public land; this certificate shows plot boundaries, neighbours and acreage of one's kibanja.

They know that they have a minimum obligation of paying a nominal annual ground rent of no more than sh50,000; and they pay it without being forced.

They further know that whenever they want to change ownership of their land, there is a formal transfer process where their file name with the landowner is changed into the names of the new owner.

*Read the full version at www.newvision.co.ug*

*The author is team leader, communications at Buganda Land Board*

ganda's tourism sustainability agenda



Mujabi Martin ng'asala kkeeki y'amazaalibwa mu kkakkalabizo lye we baagitegekedde



Yagabudde Kanso Bugaya

"Muyogeeyoge bannaffe!




Bukenya Wasswa



Mukwaya Edrisa

Nabunnya Erios





Ssekikubo Hamza,



Nakato Connie



Namatovu Cathy